P360/2
LUGANDA
PAPER 2
July/August
3 hours

**WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS.**

**Uganda Advanced Certificate of Education.**

**LUGANDA**

**OKUKYUSA, OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUSOMA BWINO N'OKUFUNZA.**

**Paper 2**

**ESSAAWA SSATU (3)**

**ENDAGIRIRO:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina* **A, B, C ne D**
- *Ebibuuzo byonna mu kitundu* **A, C ne D** *bya buwaze.*
- *Mu Kitundu* ***B,*** *londako nga bw'olagiddwa.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

© *WAKISSHA Joint Mock Examinations_2*

**Bikkula**

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU A

**Ddamu 1(a) ne 1(b)**

1. (a) Kyusa ekitundu kino okizze mu lulimi oluganda. (obubonero 15)

### THE YOUNG GENERATION

Globally over 7,000 young people are infected with HIV every day. It is estimated that over 50% of new infections of HIV are happening in young people between 10 – 24 years of age. Almost every Ugandan has been affected by HIV/AIDS. This is so because you, your family members, neighbours, friends, community and the entire country everyone is yearning for a change in the HIV/AIDS status.

The rate at which HIV/AIDS is spreading creates fear in the hearts of many Ugandans of all walks of life. This fear has made the leaders in different aspects like the Political, Church, Cultural and local leaders' to come up with strategies that will enable Ugandans and the whole world to eradicate the enemy from the face of the world.

This trend can change because HIV/AIDS can be prevented, avoided and totally fought. The most effective weapon to use in this struggle is getting equipped with the right information about HIV/AIDS.

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu lulimi olungereza. (obubonero 15)

Nga mmaze okusumattuka olutalo lw'e Kakerenge omulabe gye yalumisiza abamanyi n'enfiirabulago zange ebivu kumpi kusigala bwa nnamunigina, bakama bange bampaayo ezzooba nga limu n'ekitundu nzireko okwaboffe mmire ku ddusu nga bwe ndowooza ne ku ngeri y'okuwooleramu eggwanga ku bantugumbulira omwagalwa wange nga twakamala ddimansi nga ssatu zokka nga tumaze okukuba ebirayiro eby'obufumbo wakati mu b'eŋŋanda n'ab'emikwano abaatukubira emizira n'okutuyozaayoza.

Ennyonyi eyanzija mu nsi z'Abawarabu yaweenyuka emisinde gy'otalabanga anti twasitula nga mu kalasamayanzi, naye enkoko okugenda okuggweera ku luwe, nga twagobye dda bumale ku kisaawe ky'ennyonyi Entebbe.

Ab'eŋŋanda n'ab'emikwano abatonotono bannyaniriza mu ssanyu eritagambika kuba baali balowooza nga nnalemba dda olw'e kaganga oluvannyuma lw'okumala eddaaza ddamba n'ekitundu nga tebampuliza.

## EKITUNDU B

**Ddamu 2(a) oba 2(b)**

2. (a) Ku mitwe egikuweereddwa wammanga londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 350 – 400. (obubonero 30)

   (i) Obukulu bw'emizannyo mu Buganda.
   (ii) Olwali okubandulawo oluggi tuti, ffenna ne tuta ensaya!
   (iii) Ekigwo ekimu…
   (iv) Wadde nga lumiimamawuggwe (COVID 19) agenze ayamuukirira naye bannayuganda abalese mu kyobeera ekitagambika. Kubaganya ebirowoozo.

**Oba**

(b) Ku mitwe egikuweereddwa wammanga, londako ebiri(2) buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (Buli mutwe obubonero 15)

   (i) Wandiika eggulire ku kabenje ddekabusa akaguddc mu kitundu kyammwe. (Kozesa ebigambo 200)
   (ii) Mukwano gwo abeera e Bulaaya muwandiikire ebbaluwa ng'omulaga eby'obulambuzi ebiri mu nsi yo by'asaanye okujja yeeroleréko. (kozesa ebigambo 200)
   (iii) Ggwe omu ku beenyigidde mu kunnyulula ebbuje eryasuuliddwa mu kaabuyonjo, poliisi ekuyise okubaako by'oginnyonnyola. Wandiika sitaatimenti ku byabaddewo. (Kozesa ebigambo 200)



Scanned by CamScanner

(iv) Ggwe mukungu atwala eby'enjigiriza mu Ggombolola yammwe, wandiika ng'oyogerera mu lukiiko lw'abasomesa ng'obalaga ku ngeri y'okuyisaamu abayizi abamaze emyaka ebiri (2) nga tebasoma. (Kozesa ebigambo 200)

## EKITUNDU C

3. Soma ekitundu ekikuweereddwa n,oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo. (obubonero 20)

Oluggya bwe lusukka mu lumu ziba zifuuka mpya era ebimu ku byafaayo byalwo mu Buganda lubadde lwa <u>kwewunda</u> era ng'amaka mangi gatenderezebwa olw'obulungi bw'oluggya.

Mu kusooka amaka mangi gaabanga n'empya ennene kuba n'ettaka lyabangawo, okukakasa kino ddayo otunuulire empya zaffe mu byalo. Naye ensangi zino ettaka lyakendedde olw'obungi bw'abantu kuba kati tuli obukadde nga 44 obw'abantu.

Mu butuufu tubadde tuwunda nnyo empya n'ebimuli, obuwugiro bw'omuddo, emiti, awamu nga bakozesa ebibumbe n'ebirala, olwo nga tulina n'okusasula abantu abatukolera omulimu guno. Wabula, olw'enkyukakyuka mu by'enfuna, ensangi zino empya abantu bazifuulidde ddala ekintu ekivaamu ensimbi ate nga ddala kibakoledde.

Egeri abantu gye beeyambisaamu empya ensangi zino kiggyewo okwekwasa nti nze sirina we nnyinza kulimira. Bannaffe bangi ensangi zino obuntu bw'oyinza okulimira mu bifo ebifunda, kati babulimira mu mpya zaabwe. Kino kibayambye obutasaasaanya n'okukendeeza ku nsaasaanya yaabwe nga tebagula yadde okugenda mu butale okugula obuntu nga ennyaanya, enva endiirwa, obutungulu, obutunda ebikajjo n'ebintu ebirala njolo ebigwa mu <u>kkowe</u> eryo. Bino birimwa era ne biriibwa awaka ate ebisigalawo ne bitundibwa eri abo ababyettanira gamba nga ab'obutale, abafumba emmere mu birabo by'emmere, ab'amasomero, abandi babitundira ne mu mpya z'amasinzizo n'ebifo ebirala.

Bannaffe abakola kino basobodde okukekkereza ssente kubanga obuntu buno bw'otwala ng'obutono ensimbi ze butwala mpitirivu nnyo.

Ye wali otuddeko awo n'ofumiitirizaamu ssente z'ogula oba z'ofulumya okugula ebibala, ebirungo by'enva nga ennyaanya, obutungulu ebyetaagibwa awaka? Abasawo batulagira okulya ebibala naddala leero mu biseera bya Lumiimamawuggwe (COVID 19).

Bannaffe bangi mu bibuga tubalabye nga <u>balafuubana</u> n'okutetenkanya nga basimba ebimera nga ebyo mu mikebe, obuveera, mu bibaawo ku bifugi ggwe ate olaba balima n'obutiko mu mayu gaabwe! Olwo ne babiguza ate abo abeetwala okuba ab'ekitalo era abalina endowooza ennafu ku bakola ebintu nga ebyo nga babayita beepansi era abanafu b'obwongo, nga beerabidde nti keweerimidde kakira mbegeraako anti kino kibayamba n'okukendeeza ku nsaasaanya yaabwe.

Mu luggya lwo osobola okufuniramu ddala ssente ezitagambika n'oluusi okufunamu emmere olwo munnange n'ogoba enjala awaka, wabula mu byonna ng'okusalawo kuli mu mikono gyo. Omuntu yenna eyettanira ennima eno, sooka otunuulire okusalawo ekirime kyonaalima era tutera kubirima mu ngeri y'ebimuli olw'okusobozesa oluggya nalwo okusigala nga lulabika bulungi.

Bannange abatambuddeko munanjulira, anti waliwo lw'otuuka mu maka agamu mu butuufu obeera toyagala na kuvaamu anti ebibala bino birina engeri gye bifaananyaamu obulungi oluggya naawe n'owulira nga olwegombye. Tugeze singa osimba ebikolo by'ennyaanya amakumi 50, olwo buli kikolo ne kissaako ennyaanya amakumi 32, mu kaseera katono ogenda kufuna ennyaanya 1600! Olwo siga oba okikoledde mu sizoni ennungi enyaanya 4 n'ozitunda ennusu 1000, ogenda kufunamu ennusu 400,000, awo obwavu obeera <u>tobusindiikirizza</u>!! Twettanire okuyiiya.

**Ebibuuzo:**

(a) Laga emigaso egiri mu bantu okulimira mu mpya zaabwe. (obubonero 04)

(b) Biki ebibadde bikozesebwa okuwunda empya ezitali zimu? (obubonero 04)

(c) Bannaffe bannakibuga biki bye bakoze okulaba nga enkola eno tebaleka mabega? (obubonero 04)

(d) Lambulula bulungi ensonga ssemasonga omuntu yenna eyeettanira ennima eno gyalina okussaako ebirowoozo. (obubonero 02)

Bikkula



Scanned by CamScanner

(e) Lwaki omuwandiisi asekerera abantu abatettanira kuyiiya? (obubonero 02)

(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu kyosomye:

(i) kwewunda.

(ii) kkowe.

(iii) balafuubana.

(iv) tobusindiikirizza.

(obubonero 4)

## EKITUNDU D

4. Soma ekitundu ekikuweereddwa okifunze mu bigambo nga 100. (obubonero 20)

Edda ebika by'Abaganda byakuumiranga abantu baabyo mu bitundu mwe basibuka. Ab'enjaza ng'obasanga mu kyaggwe; Ab'ekkobe nga obasanga mu Mawokota; Ab'embogo obasaga mu bintu by'e Ssingo n'ebika ebirala bwe bityo.

Ekyo kyategeezanga nti buli nsonga yonna eyabagwangako nga bagikwatira wamu mu ngeri ey'obwa sseruganda. Anti abantu abatambulira awamu banguyirwa mu buli kye baba basazeewo okukola.

Abantu ab'awamu nga baliko kye bakkiririzamu, nga ekika ekirina olulyo olumu, babeera bazibu okulumba n'okulwanyisa. N'olwekyo bwe waabangawo omulabe abalumbye kyabanga kyangu okukwatira awamu ng'ab'ekika okumulwanyisa n'okumuwangula; Anti agali awamu ge galuma ennyama.

Olw'okuba nga ab'ekika ekimu babeera n'obukulembeze obw'emitendera egy'enjawulo, bwe waabangawo okutambuza amawulire ku nsonga yonna, kyabanga kyangu nnyo okutuusa amawulire ago ku muntu owa wansi, mu ngeri y'emu amawulire agava ku muntu owa wansi, gaatuukanga mangu ku abo aba waggulu nga gayitira ku bakulembeze b'ekika abali ku mitendera egy'enjawulo.

Ebika okuva edda lyonna byayambanga nnyo Abaganda n'Obuganda bwonna okukwata n'okukuuma amateeka nga bayita mu mizizo gyabwe. Omuganda nga tayinza kuwasa, kufumbirwa oba kufumbiza muwalawe nga abamutwala mu kika tebategedde oba yadde okwenyigira mu mikolo gyonna.

Omuganda nga tasobola kwesalirawo kuziika muntu ne bw'aba mwana muwere nga abamutwala mu kika tebategedde. Era nga abamutwala balina n'okubuuza olumbe olumusse. Ekyo nno nga kitegeeza nti omuntu bw'alwala, ateekwa oba kimukakatako okwogera. Olumbe bwe lwatuukanga okwabizibwa, nga lulina okutambuzibwa mu bakulu abo, kino nga kiyamba okukuuma obuwulize mu Baganda, okukolera awamu n'okukwata obulungi ebintu by'omugenzi.kubanga abakulu mu kika baba bajja kubibuuza nga balina n'okumanya engabanya yaabyo naddala eri ba mulekwa n'abantu abaala abakwatibwako omuntu oyo.

Abantu abaakolanga emirimu gya Bbaffe n'awalala wonna, baavanga mu bika abantu abo mwe bava. Mu mbeera eno, emirimu gyonna gyakolebwanga abantu abava mu bika byonna. Kino kyaleeteranga ebika byabwe okubeetegerezanga era n'okubasunsula obulungi si kulwa nga baswaza ebika byabwe. Kale kyabanga kizibu okufuna oba okuwaayo mu buweereza bwonna omuntu anaalya mu Buganda olukwe.

Olutabaalo nga lulangiriddwa omuteregga, nga kiba kyangu okufuna abatabaazi okuva mu bika eby'enjawulo anti bona baabanga wamu. N'olwekyo mu kuyita mu ngeri eno kyabanga kyangu okukunga Obuganda n'Abaganda okugenda okwenyigira mu lutabaalo n'okulwanirira eggwanga lyabwe..

Wadde mu biseera nga bino abantu ab'ekika ekimu baasaasaana dda mu bitundu bya Buganda eby'enjawulo, naye abazzukulu bawa ekitiibwa eri obutaka bwabwe obukulu. Ky'ova olaba nga mu nsonga nnyingi buli Muganda bw'aba yeeyogerako akomekereza amenya jajjaawe ow'Akasolya n'Obutaka bwe obukulu. Mu mbeera eyo ebika bikola ng'enjegere ezigatta buli Muganda ku muane, era enjegere ezo ne zimugatta ku kifundikwa ekikulu, nga oyo ye Kabaka.

Bwe twogera era ne bwe tuba tuli ku mipiira gy'ebika, olaba nga abazannyi ab'ekika ekimu bwe babeera bazannya, babeerera ddala nga ab'enda emu. Oyinza n'okulowooza ba taata omu. N'olwekyo byo ebika bikola omulimu ogw'ettendo ogw'okugatta Abaganda ne bafuuka Omuganda gumu.

**BIKOMYE WANO**



Scanned by CamScanner